# Enkuba efudemba etiisizza ab'e Kawempe

Bya MOSES LEMISA



Omwala gwa Nsooba ogufumbekeddemu kasasiro. Kino kye kireetera mukoka okuyingira mu mayumba.

## Abantu bye bagamba



**Yunus Mpanga: Tuzze twemulugunya ku myala kyokka abakulembeze bwe baba banoonya obululu batusuubiza nti bagenda kugikolako. Kati enkuba etonnya kyokka egisinga gizibikidde.**



**Hellen Birungi: KCCA nayo erimba. Abantu bazimbye mu makubo agatambuza amazzi. Simanyi oba abagaba ppulaani bakyaliyo kuba osanga abazimba ng'awali omwala we basima omusingi!**



**Muhammad Ssekate: Mu biseera bino eby'enkuba abantu b'e Bwaise, Kaleerwe, Kanyanya n'awalala ebitanda, kkabada, ttivvi n'ebirala, biwanikibwa ku bbulooka olw'amazzi agayingira mu mayuayumba.**

ENKUBA efudemba ensangi zino yeewanisizza Bannakawempe emitima olw'emyala egifumbekeddemu kasasiro gwe bagamba nti, asuulibwamu ab'obutale, ababazzi n'abamu ku batuuze.

Munisipaali y'e Kawempe erina emyala eminene egisoba mu 6 ng'egimu gyazimbwa emirala gizimbwa wabula waliwo egiri mu mbeera embi. Gino abatuuze bagamba nti, gizibikidde olwa kasasiro asuulibwamu.

Moses Mutebi nga ye ssentebe wa LCII mu muluka gwa Makerere III yagambye nti, enkuba ebaddenga eyonoona ebintu by'abantu naye ku luno basuubira kigenda kusukka kuba emyala egisinga gizibikidde olwa kasasiro ayiibwamu.

Yasabye akulira KCCA bateeke amateeka mu nkola ng'omuntu asangibwa ng'amansa kasasiro avunaanibwe.

Yagasseeko nti, abasinga okuvaako obuzibu be babazzi mu muluka gwa Makerere I (ku bbiri) abayiwamu kasasiro avudde ku bintu bye bakozesa n'agamba nti, baabalabula dda wabula tebakyusanga. N'agamba nti, n'abaakatale k'oku Kaleerwe kasasiro bamuyiwa mu myala.

Shamim Musubika omutuuze mu Dobbi Zooni, yasabye abakulembeze abaakalondebwa obutasika muguwa n'abakulembeze ku City Hall wabula babalage ebizibu ebiri mu bitundu byabwe babawe ebimotoka ebiyoola kasasiro. Era yasabye wassibwewo emisomo, abantu basomesebwe bwe bagatta omutindo mu kasasiro.

Ate Emmanuel Sserunjogi meeya w'e Kawempe, omusango yagutadde ku batuuze abasuula kasasiro mu myala kyokka enkuba bw'etonnya amazzi ne gabayingirira, banenya bakulembeze.

### EMYALA GIZIMBIDDWA

Egimu ku myala eminene gizimbiddwa omuli ogwa Nakamiro, Lubigi ate emirala okuli ogwa Nsooba, Kiwunya gikolebwako.

Omwala gwa Kiyanja ne Katanga Channel teginnatandikibwako. Ogwa Katanga Channel guli wansi wa Worl Bank mu Greater Kampala ng'abantu balina okuwaayo ebifo byabwe ku bwereere kuba mu nteekateeka y'okuguzimba temuli ssente za kuliyirira bantu. Guyita mu miruka esatu; Wandegeya, Makerere I , Makerere III ne guyiwa mu Lubigi.